BBNA

# CHICAGO

2021

4th Biennial Convention

Friday, May 28th - Sunday, May 30

S

# PROGRAM




BBNAC
Buganda Bumu North American Convention

Ggwangamujje Midwest

“The strength of the team is each individual member. The strength of each member is the team.”

*P. Jackson*

MMII



Ssaabasajja Kabaka
Ronald Muwenda Mutebi II
Kingdom of Buganda

# MMII



▲ *Ssaabasajja Kabaka ng'ayogerako eri abantu be abeetaba mu lukungaana lwa BBNAC*

Ssaabasajja Kabaka officially opened the BBNAC 2021 Zoom conventtion on Saturday, at 9 AM, on May 29, 2021 That morning, over 3,500 participants logged on from North and South America, Canada, Europe, Middle East, Australia and Africa. Other participants watched and or listened via other media: CBS Radio, BBS Terefayina, Facebook, ne Youtube.

https://youtu.be/ENdcqh_q6a0

**WOFIISI YA**
**KABAKA WA BUGANDA**
(Office of the King of Buganda)
P. O. Box 58,
KAMPALA - UGANDA

**OBUBAKA BWA SSAABASAJJA KABAKA RONALD MUWENDA MUTEBI 11 MU KATABO K'OLUKUNGAANA (BUGANDA BUMU NORTH AMERICAN CONVENTION E CHICAGO ILLINOIS – BBNAC 2021)**

Abantu baffe mwenna mu bitundu eby'enjawulo yonna gyemuli ebweru wa Uganda, naddala mmwe abatuula mu mambuka g'Amerika tubeebaza nnyo olw'obujjumbize mu nteekateeka z'Obwakabaka era n'olw'okuteekateeka olukungaana luno.

Ekiseera kino, ne gye buvuddeko, kibadde kizibu nnyo olw'obulwadde bwa Ssenyiga omukambwe Kolona (COVID 19) era nsaasira bannaffe bonna abafiiriddwa ab'enganda zaabwe olw'obulwadde obwo; so wakyaliwo abakyalina okusoomoozebwa olw'obulwadde obwo. Tukimanyi waliwo abali mu malwaliro; waliwo abaafiirwa emirimu; n'abo abaafuna obukosefu obwakyusa embeera y'obulamu bwabwe. Tubasaasidde nnyo.

Twebaza Katonda olw'abo abassuuka era tumusaba atutaase obulwadde buno. Mbakubiriza okugoberera okulambika kw'abasawo n'abakulembeze okusobola okwewala n'okumalawo, obulwadde buno. Tubeebazza olw'okudduukirira abantu baffe mu kiseera ky'omuggalo ekyali ekizibu ennyo.

Mbeebaza okuwagira emirimu gya Katikkiro wamu ne Kabineeti ya Kabaka awamu n'okugobererwa amawulire n'ennambika ze babawa. Ebbanga lyonna Katikkiro amawulire gano agatutuusaako era mugende mu maaso. Lino ly'ekkubo erinayamba Obwakabaka bwaffe okwongera okunywera.

Twebaza ab'ekibiina kya Ggwanga Mujje Mid-West America n'abateesiteesi bonna olw'enteekateeka ey'omulundi guno egenda okubeera ku mutimbagano ku mulamwa **"Okusoomozebwa mu nkozesa y'ebyuma bi Kalimagezi".**

Omulamwa guno mukulu nnyo mu kiseera kino kubanga enkozesa y'emitimbagano eyimirizibwawo nnyo ebyuma bi kalimagezi, weewawo n'ebirala, ng'essimu.

Ebirungi bingi bifunibwa mu nkozesa z'ebyuma bi kalimagezi, n'amagezi agagenderako. Kyokka tubasaba mwewale okukozesa obubi omutimbagano n'ebyuma bikalimagezi okutyoboola ennono n'obuwangwa bwaffe era n'okukotoggera enkulaakulana.

N'olwekyo tufube okulaba nga buli kyetukola kyongera okunyweza Eggwanga lyaffe Buganda, okukumaakuma abantu baffe yonna gyebali okubeera abumu n'okufaayo ennyo ku nkukaakulana yaabwe n'ey'ensi yaffe.


Nneebaza Ababaka n'Abamyuka baabwe, ssaako enkiiko zonna olw'emirimu gye mukola gyonna eyo mu mawanga gye mubeera.

Mwebale nnyo, Katonda Abakuume.

**Ronald Muwenda Mutebi 11**
**KABAKA**




*L-R*: Sabaddu, Katuraba, Rev. C. T. Wilson (Interpreter), Namukadde, Earl Granville (Secretary for Foreign Affairs), Her Majesty Queen Victoria, and Princess Beatrice.




**'Ndi mugezi.... nga mubuulire.'**

"A people without the knowledge of their past history, origin and culture, is like a tree without roots."
Marcus Garvey

*Published 1886*
*by Rev. R. P. Ashe*



# OBWAKABAKA BWA BUGANDA

(KINGDOM OF BUGANDA)

## WOOFISI YA KATIKKIRO

OFFICE OF THE KATIKKIRO (PRIME MINISTER)

**OBUBAKA BWA KATIKKIRO CHARLES PETER MAYIGA MU KATABO K'OLUKUNGAANA (BUGANDA BUMU NORTH AMERICAN CONVENTION E CHICAGO – ILLINOIS – BBNAC 2021).**

Mbalamusizza nnyo era mbeebaza emirimu gyonna gyemukola egyammwe n'egya nnyaffe Buganda. Nyongera okukubagiza abo bonna abafiiriddwa abantu baabwe wamu n'okusaasira abo bonna abasomoozeddwa olw'obulwadde bwa Lumiimamawuggwe (COVID 19), obutadde ensi yonna ku bunkenke.

Mbakulisa okubeera nga buli myaka ebiri muteekateeka olukungaana lwa Buganda Bumu North American Convention (BBNAC). Newankubadde nga ku mulundi guno gwandibadde muzibu olw'obulwadde bwa Lumiimamawuggwe, tekibalobedde kuteekateeka BBNAC 2021 ku mutimbagano.

Njozaayoza omubaka w'abantu ba Kabaka ow'e Chicago, Illinois ne banne olw' obutalemererwa. Kino kyolese obumalirivu n'obuyiiya ng' emu ku nnyingo enkulu mu kaweefube gwe tuliko ow'okuzza Buganda ku Ntikko.

Waliwo ebibala ebirabwako ebivudde mu nkungaana zino, okugeza mwafunira Obwakabaka ambyulensi gye mwatona mu mwaka gwa 2015 n'eddwaliro eritambula (Mobile Clinic Bus) eryatongozebwa Ssaabasajja mu mwaka gwa 2018.

Ku mulundi guno, nsanyukidde nnyo omulamwa gw'olukuŋŋaana ogugamba nti" **Okusoomozebwa mu nkozesa y'ebyuma bi Kalimagezi – (Information Technology Challenges)"** n'Omubala **"Buganda n'Omulembe gwa Tekinologiya".** Kirungi nnyo mu lukungaana lw'omulundi guno

(Osabibwa okujuliza ennamba (reference number) eragiddwa waggulu)

Bulange, Mmengo, P.O. Box 7451, Kampala, Uganda. Tel: 0414 - 274738/9 Web: www.buganda.or.ug Email:info@buganda.or.ug

okwekkaanya engeri gyetugenda okweyambisa, oba okukozesa, tekinologiya okukulaakulanya Obwakabaka.

Ekiseera kye tulimu kya sayansi ne tekinologiya, era abo abanaalya ensi beebo abanassa omulaka ku by'enjigiriza. Awatali byanjigiriza tetusobola kufuna mu miganyulo gya sayansi ne tekinologiya.

Muli mu nsi erina obukugu obw'amaanyi ku ludda lwa sayansi ne teninologiya. Kyandibadde kirungi ne mufuna emikago n'obusakirizi ku ludda olwo kubanga Obwakabaka bwasalawo okusoosowaza ensonga eno. Gye tunaakoma okwettanira sayansi ne tekinologiya gye tuggya okukomya okuleeta enkulaakulana mu Buganda ey'Omulembe Omutebi.

Obusakirizi oba emikago gye munaaba mutaddewo n'emikwano gyammwe oba mu makampuni ag'enjawulo, ne butuusibwa e Mengo, biggya kuyamba kaweefube ow'okuganjisa sayansi ne tekinologiya mu Buganda.

Twesunga ebibala ebinaava mu lukungaana luno twongere kwebyo ebizza Buganda ku Ntikko. Tubaagaliza  okwongera okutambulira ku binakkaanyizibwako mu lukungaana luno.

**Ssaabasajja Kabaka Awangaale…ng'enkumbi ku Bbega.**

**Charlse Peter Mayiga**
**KATIKKIRO**



**OBWAKABAKA BWA BUGANDA**
**(KINGDOM OF BUGANDA)**

## OBUBAKA BWA MINISITA AVUNAANYIZIBWA KU NSONGA ZA BUGANDA EBWERU

Mbayozaayoza okutuuka ku buwanguzi ne muteekateeka olukuŋŋaana lwa Buganda Bumumu America (BBNAC 2021) weewaawo nga ku mulundi guno lugenda kubeera kuMutimbagano olw'obulwadde bwa Ssennyiga omukambwe Kolona (COVID-19).

Nkubagiza abo bonna abafiiriddwa ab'eŋŋaanda zaabwe olw'obulwadde buno obwajjira ensi yonna, era nsaasira nnyo bannaffe bonna abakoseddwa ssaako abasoomoozeddwa mu ngeri ez'enjawulo.Twebaza abaami ba Kabaka, abamyuka, n'enkiiko zonna, ssaako ebibiina ebigatta abantu ba Ssaabasajja Kabaka olw'okufubanga okubeera nga bazze bakozesebwa mu ngeri ezitali zimu.

Bulijjo mu lukuŋŋaana luno, tufuna omukisa okusisinkana n'okulabaganako wamu n'okuganyulwa mu miramwa egiteekebwateekebwa ate n'emba bivudde mu bisaliddwawo era twenyumiriza nnyo mulukuŋŋaana luno. Kyokka ne ku mulundi guno, weewaawo ensisi nkano tegenda kubeera ya maaso ku maaso, era tusuubira okubeerako byetutuukako okwongera amaanyi mu bumu mu bantu ba Ssaabasajja ababeera mu bitundu bya America ey'omumambuka naddala ebiva mu mulamwa ogwategekebwa ogw'omulundi guno.

Ebirowoozo ebirungi ebisibuka mu lukangaana luno, tubyeyambisa okwongera okunyweza byetuluubirira okutuukako era omulamwa guno **"Okusoomoozebwa mu Nkozesa y'Ebyuma bi Kalimagezi – (Information Technology Challenges)"** tusuubira gugenda kutuyamba okutema empenda ezitwanguyiriza okuggusa ensonga Ssemasonga ettaano nga tweyambisa Tekinologiya. Ensonga ezo mwe muli;

- Okukuuma, okutaasa n'okunyweza Nnamulondo
- Okugabana obuyinza, emirimo n'obuvunaanyizibwa mu nfuga eya Federo
- Okukuuma ettaka n'ensalo za Buganda
- Okukola obutaweera okuddaabulula embeera z'abantu ba Kabaka mu by'enfuna, eby'obulamu n'ebyenjigiriza
- Okukuuma obumu bw'abantu ba Kabaka

Nga twefumiitiriza ku nkozesa ya Tekinologiya okusobola okuggusa ensonga ezo, bingi oba olyawo ebyanditutte ebbanga eddene, bisobola okutuukibwako mu bbanga ttono nnyo naddala nga tweyambisa omubala gw'olukuŋŋaana luno ogugamba nti **"Buganda n'Omulembe gwa Tekinologiya"**.

Bwe twali mu lukiiko lwa BBNAC olwaggwa olwali mu Washington DC, waliwo ebiteeso bingi eby'amakulu ebyasalibwawo era nga bimaze n'okussibwa mu nkola, okugeza ababaka b'ebweru okwetaba mu Lukiiko lwa Buganda n'entuula z'obukiiko bw'olukiiko.

Okweyamba tekinologiya kwasobozesa ne Katikkiro okwogerako eri abantu ba Ssaabasajja Kabaka abawangaalira mu nsi ez'enjawulo ebweru wa Uganda. Bingi abantu bye baayiga mu kwogera okwo, ebyabalambika ku bisaanye okukolebwa mu lugendo lw'okuzza Buganda ku Ntikko.

Nga Minisitule, bulijjo tugenda kweyambisanga tekinologiya okubamanyisa obuvunaanyizibwa bwa buli omu mu kuzimba nnyaffe Buganda. Twebaza nnyo abaami ba Ssaabasajja Kabaka e bunaayira, olw' okukola obutaweera, aba BBNAC abategesi b'olukuŋŋaana lw' omwaka guno, n' abantu ba Ssaabasajja Kabaka mwenna olw' okulaga omwoyo gwa Buganda ogutafa.

Mu ngeri y'emu, nnyongera okubakubiriza okwongera okuwagira enteekateeka z'Obwakabaka zonna nga tweyambisa tekinologiya ate era tufube okwetangira ebyo oba abo abamukozesa okunafuya Obwakabaka.

**Ssaabasajja Kabaka Awangaale.**



**JOSEPH KAWUKI**
**Minisita Omubeezi owa Gavumenti ez'Ebitundu, Entambula za Ssaabasajja Kabaka era Avunaanyizibwa ku Nsonga z'Abantu ba Kabaka Wabweru wa Buganda**

OFFICE OF THE GOVERNOR
207 STATE HOUSE
SPRINGFIELD, ILLINOIS 62706

**JB PRITZKER**
GOVERNOR

May 29, 2021

Greetings!

I am pleased to welcome everyone to the 4th Biennial Buganda Bumu North American Convention and to congratulate Ggwanga Mujje Midwest for their ongoing contributions to the State of Illinois.

Bringing people together to celebrate traditions is a wonderful way to share culture, honor heritage, and educate new communities about the world beyond their own backyard. Through their support in hosting this convention, Ggwanga Mujje Midwest continues to enhance the cultural, social, and economic relationships between Baganda living in North America and those living in Buganda and Uganda.

This convention is an excellent opportunity to reflect on all you have accomplished and to make plans for the future that build upon that success. I have no doubt your organization will continue to excel for years to come, and I commend everyone at Ggwanga Mujje Midwest for their hard work, dedication, and passion.

On behalf of the people of Illinois, I offer my best wishes for an enjoyable and memorable 4th Biennial Buganda Bumu North American Convention.

Sincerely,

Governor JB Pritzker

# OUR BBNAC'21 SPONSORS

KALIKUMUTIMA & CO
ADVOCATES


http://www.kalikumutimaadvocates.co.ug

Fakhruddin
Properties




https://affordablehomes.ug

EQUITY




https://equitygroupholdings.com/ug/

# WHAT IS BBNAC? WHO IS BBNAC? WHERE IS BBNAC? SO ...WHY?




To provide a platform to celebrate and preserve the Buganda culture and discuss issues related to their wellbeing and the development of Buganda and Uganda at large.

## CONVENTIONS

- **2015** Boston, MA
- **2017** Atlanta, GA
- **2019** Washington, DC
- **2021** Chicago, IL

## REGISTERED ASSOCIATIONS

- Agali Awamu Atlanta
- Bulungi Bwansi Buvanjuba NY/NJ
- Ggwanga Mujje Boston (GMB)
- Ggwanga Mujje DC (GMDC)
- Ggwanga Mujje Midwest (GMMW)
- Kamu Kamu Dallas
- Buganda Development Cultural Association (BUDECA)
- Colorado Buganda Heritage and Development Fund
- Buganda Eyenkya California
- Bulungi bwa Nsi Canada

## BBNAC PROJECTS:

- **Medical Mission** to Uganda: 2018, 2017
- **Donation**: Ambulance: Boston GM
- **Donation**: Mobile Clinic Van 2017
- **US Health Fair:** 2019 Convention
- **ZOOM-2020**
  - **Covid-19-Community Engagement**-Mental Health, Cultural & Related Issues
- **Investment** Initiatives



Atlanta 2017



Boston 2015




Ssaabasajja Kabaka Representatives from different countries presenting their speech and Amakula to Maasomoogi.

Mengo-Buganda kwe Kwaffe 2016

**2019 Project**

"Omwaka guno, essira tugenda ku lissa ku bana baffe mu Sazza lino erya Kabaka. Twagala okuyigiriza abaana baffe Oluganda awamu ne Science, Technology, Engineering and Math (STEM). "Ababuvuka ly'esuubi lya Buganda. Okubayigiriza Oluganda awamu ne STEM kijja tuyamba okubayigiriza Oluganda awamu n'okufuna emirmu emilungi mu America nga bakuze"



2019 Seattle USA

# Message from the BBNAC President



Ku lw'akakiiko akafuzi aka Buganda Bumu North American Convention (BBNAC), ntwala omukisa gun okwaniriza abagenyi baffe mwenna abetabye mu lukuŋŋaana lwaffe luno olw'omulundi ogw'okuna.

Nneebaza nnyo aba Ggwanga Mujje Midwest (GMMW) n'abo bonna ababadde ku bukiiko obutegesi obw'enjawulo, abakoze omulimu omunene ennyo okutegeka olukiiko lwaffe luno olugatta abantu ba Ssaabasajja abawangaalira wano mu North America. Amaanyi, okwewaayo, n'obuvumu bwe mulazebituyambye okutuukiriza n'okwongera mu maaso obumu mu Baganda n'emikwano gya Buganda abali wano.

Twaniriza n'essanyu ery'ensusso Maasomoogi Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II okusiima okuggulawo olukunŋŋaana lwaffe luno.
Twaniriza era Kamalabyonna wa Buganda, Charles Peter Mayiga, abalangira n'abambejja, abataka, ab'ebitiibwa, ba minisita be Mengo, n'abakungu bonna abatwegasseeko olwaleero.

Ebibiina by'Abaganda mu North American ekkumi binnamukago, n'ababaka ba Ssaabasajja bakoze kinene nnyo okufuula BBNAC ekkuŋŋaaniro ery'ensonga erireeta Abaganda okuteeesa ku buwangwa n'ennono, enkulaakulana ne kw'ebyo byonna ebiba bitusoomooza. Nsaba munegatteko okwaniriza, era n'okwebaza ebibiina byaffe bino: Ggwanga Mujje Midwest; Kamu Kamu Dallas; Agali Awamu Atlanta; Ggwanga Mujje DC; Ggwanga Mujje Boston; Bulungi Bwansi Buvanjuba; Colorado Buganda Heritage and Development Fund (BUDECA); Bulungi Bwansi Canada; Buganda Development Cultural Association; ne Buganda ey'Enkya California.

Twenyumiriza nnyo mu nteekateeka za BBNAC 2019, era ntuusa okwebaza eri abantu ba Ssaabasajja bonna okuva mu Gwanga Mujje DC abaakola kyonna ekisoboka okutegeka omukolo ffenna ogwatuweesa ekitiibwa.

Twebaza Minisita Omubeezi wa Gavumenti ez'Ebitundu; Okulambula kwa Kabaka; era Avunaanyizibwa ku Nsonga z'Abaganda Ebweru, Oweekitiibwa Joseph Kawuki, olw'obuwabuzi, okututabaganya, era n'okututuusiza ensonga zaffe embuga. Obuyambi bwe, bukoze kinene nnyo mu kaweefube waffe ow'okuggumiza obumu n'enkolagana wakati w'abantu ba Ssaabasajja abali wano ne mu Buganda. Obuweereza bw'omulundi guno bubaddemu, era bukyalimu okusoomoozebwa kungi, era mu ngeri eno njagala okutuusa okusaasira kwaffe eri bannaffe bonna abanyigiriziddwa ki ssenyinga ekikambe, eby'obufuzi, ate n'okusabira abo abaatuva ku maaso. Ki ssenyiga ekikambwe kireeseewo enkyukakyuka nnyingi. Ffe aba BBNAC, kitulaze nti okunyweza obumu nga tulumirirwa n'okufa ku banaffe, kintu kya bbeeyi ffenna kye twandisaanye okukuuma, okuddiŋŋana, n'okunyweza. Twalina okukyusa engeri gyetukolamu emirimu, era tekinologiya ye yafuuka obuddukiro okusobola okutambuza obuweereza n'okusigala nga tuwuliziganya mu biseera eby'omuggalo.

Bwe twalaba emigaso egiri mu ku kozesa tekinologiya, twasalawo ekwenyigira mu kutuumbula omutindo, okumanyisa, okwagaza, n'okuyamba abantu ba Ssaabasajja abali mu Buganda okukozesa tekinologiya, era kino kye kyatutuusa ku mulamwa gw'omwaka guno:

- 'Okusoomoozebwa mu Nkozesa y'Ebyuma bi Kalimagezi (IT Challenge).
- Omubala: 'Buganda n'Omulembe gwa Tekinologiya.' (Buganda and the Age of Technology)

Tusuubira okukwatira awamu n'ekitongole kya Ssaabasajja ekya tekinologiya okulaba nga twongera okwagazisa abavubuka tekinologiya, basobole okutumbula embeera zaabwe, n'ezabalala.
Bannange ab'akakiiko akafuzi, ssaako ne BBNAC Board of Directors, bakoze bwezizingirire okulaba nga BBNAC egenda mu maaso n'enteekateeka ez'enjawulo ezaasalibwawo mu nkiiko ezaggwa, ezigenderera okutumbula embeera y'abantu ba Ssaabasajja wano ne mu Buganda, era n'okuzza Buganda ku Ntikko.

Mu kkowe eryo, njagala okwebaza ennyo nnyini ddala abakulu bano wammanga, abakkiriza okwongezaayo ekisanja kyabwe eky'obukulembeze, okusobola okutereeza n'okukakasa nti BBNAC esigala ku musingi omulungi: Dr. Charles Muvawala Katende (BBNAC Vice President), Oweek. Dr. Abu Senkayi (Secretary), Oweek.Wycliffe Lule-Musoke (Publicity Secretary), Omumbejja Jackie Nakalema (Treasurer), Ssaalongo Francis Mubiru (Vice Treasurer). Abakulu bano bafubye nnyo okulaba ng'ebiteeso (Resolutions) ebiyisibwa mu nkiiiko zaffe biggusibwa, era wammanga, z'entegeka zetwalina, n'ebyo ebikoleddwako:

- Enteekateeka ey'okwongera ekwenyigira mu kaweefube ow'okuyamba abantu mu by'obulamu, era nga tutegese olusiisira lw'ebyobulamu n'abasawo eb'egattira mu kibiina kya **'Uganda North American Medical Association (UNAMS)'** okukikwasaganya ne Minisita w'Ebyobulamu, Oweek. Dr. Prosperous Nankindu. Olusiisira luno lwali lwakubeera Ggombe General Hospital mu Butambala, nga 06/20/20 – 06/27/20, naye olw'embeera ya kisenyigga ekyaali kyeriisa enkuli, twalina okulusazaamu. Njagala okwebaaza abakulu bano: Dr. Sarah Matovu, Dr. Frank Matovu, Dr. Joseph Buwembo, Dr. Mbaga Walusimbi, Dr. Lawrence Musanje, Dr. Solomon Ondoma, Mr. Herbert Ddungu (NP), Ms. Annette Kivumbi (BSN), abaali bawaddeyo obudde (volunteered) okulutambuza, nga bajjanjaba abantu ba Ssaabasajja mu bitundu ebyo. Tusuubira nti embeera bw'enetereera, abakulu bano bajja kusitukiramu nate okwenyigira mu mulamwa guno.
- **Olulimi Oluganda:** Mu nkiiko ezibaddewo emabega, tuzze tusuubiza okukola ku kuyigiriza abaana baffe olulimi Oluganda. Ebibiina byaffe bingi, nga bwe munaalaba, bifubye okwagaza abaana olulimi lwabwe. Nnina essanyu era okubategeeza nti bannaffe aba Ggwanga Mujje Boston, balina entegeka ekwata ku mulamwa guno (curriculum) gye bakolako, egenda okuyamba abaana n'abo bonna abali wabweru wa Buganda, abaagala okuyiga Oluganda.
- **Eddwaliro/Eryato eryo ku mazzi (Boat Ambulance):** Tweyama mu BBNAC 2019, okuyambako ku kaweefube w'okugula Ambulance etambulira ku mazzi, naye bwe twekenneenya nnyo, twakizuula nga, emiwendo gya Ambulance eyo gya kawereege, era ne twesanga nga tetulina busobozi obwo.
- **Million Dollar Project:** Mu BBNAC 2019, tweyama okuteekawo project eno. Nnina essanyu okubategeeza nti omulimu guno gutambula bukwakku, era mu bufunze, bino wammanga bye bikoleddwako:
  - Twagunjawo akakiiko ka bantu kkumi okukubaganya ebirowoozo ku nsonga eno
  - Akakiiko kaatutegeeza nti entekateeka eno esaanye eyawulwemu ebitundi bibiri:
- **1. "Legacy Project:** proposed the creation of an endowment foundation with contributions and donations funded by Baganda and friends of Buganda committed to the preservation, protection and promotion of Buganda's Heritage (customs and traditions) and the development of Buganda for future generations. Supporters and contributors are expected to subscribe to the objectives and to willingly commit to endow the the foundation as an investment to support the pillars of Buganda's development in perpetuity, namely:
  - Kabaka as the titular head
  - Clans as the building institutions/blocks for Buganda's heritage
  - Language (Luganda)
- **2. Million Dollar Project:** establish a business/ enterprise funded and professionally managed for Baganda and friends of Buganda committed to leaving a legacy for Buganda. The MD project will be funded by investment funds from investors who are willing to invest while suppowwrting Buganda. These enterprises are expected to be profit-sharing enterprises for members, in accordance with the principles and modalities that are yet to be established.

Nnina essuubi nti obumu, okwewayo n'obumalirivu abantu ba Ssabasajja bye balina, bijja kutuyamba okuggusa emirammwa gyaffe gino egigenderera okuzza Buganda ku Ntikko.

Mbaagaliza okuteesa obulungi.

Awangaale Ssaabasajja Kabaka wa Buganda

Owammwe,

**Omulongo Wasswa Kivumbi, Ssentebe wa BBNAC**



# MESSAGE FROM THE CHAIRMAN OF BBNAC2021 CONVENTION EXECUTIVE COMMITTEE

I warmly welcome you all to the 4th bi-ennial Buganda Bumu North American Convention (BBNAC'21).

As Chairman of the host team, I had anticipated welcoming you to any one of our great cities in the Midwest USA. However, the Covid-19 pandemic has made that impossible. All the same, I am glad you have joined in virtually.

As Chairman of the Convention Executive Committee, I was honored to lead a team of very dedicated people who worked tirelessly to set up this convention. Please join me in saying thank you to the entire organizing team.

The theme for this convention is the "Okusoomozebwa mu Nkozesa y'Ebyuma bi Kalimagezi mu Buganda" (IT Challenge in Buganda).

We are in the age of information technology. Ssaabasajja Kabaka, in his foresightedness, created a department in his government dedicated to information technology. We in the diaspora need to give helping hands to Ssaabasajja Kabaka in this endeavor. We ought not to let Buganda lag behind in what is quickly becoming an aspect of daily life. I look forward to fruitful discussions during this convention and I am hopeful that these discussions will lead to long term benefits to Nnyaffe Buganda. I am confident this convention will provide us with the opportunity to honor our beloved King, Ssaabasajja Kabaka, the Katikkiro, His majesty's government and the people of Buganda.

AWANGAALE SSAABASAJJA KABAKA WA BUGANDA.

Once again, ladies and gentlemen, welcome to the BBNAC'21.



# Obubaka bw'Omubaka mu Ssaza lya Midwest USA

Ku lw'abantu ba Ssaabasajja Kabaka ababeera mu Midwest USA, omuli ebitundu Illinios, Wisconsin, Indiana, Michigan, Minnesota ne Missouri, mbaniriza mu lukiiko olw'omulundi guno. Kya mukisa mubi tetusobodde kubeera wamu olwa ssennyiga (Covid-19) naye era tufunye omukisa okubakyaza wano mu Midwest nga tuli ku Mutimbagano guno Zoom. Tusaasidde nnyo bannaffe bonna abakosebbwa obulwadde buno Covid-19 naddala abo bonna abaafiirwa ababwe.

Tulina essanyu lingi nnyo olw'Omutanda okusiima okuggulawo olukiiko luno era tusaba Mukama Katonda amuwaangaze. Twaniriza abakungu n'abebitiibwa bonna okuva e Mengo nga bakulembeddwamu Katikkiro wa Buganda omwagalwa Charles Peter Mayiga, Oweekitiibwa Minisita w'Esonga za Buganda Ebweru, Joseph Kawuki ne ba minisita ba Buganda bonna era tubakulisa olugendo.


Ng'omulamwa gw'olukiiko luno 'Okusoomoozebwa kwa Tekinologiya mu Buganda, tulina essuubi nti mu lukiiko luno, tunaasala amagezi okumalawo obuzibu mu nkozesa ya tekinologiya are n'okulaba nga Buganda edda ku ntikko. Mbagaliza olukiiko n'okuteesa obulungi mu mutima gwa sseruganda okutuusa Buganda ku Ntikko.
Awangaale Ssaabasajja Kabaka wa Buganda

**Luzzi Dick Kakande**
**Omubaka wa Ssabasajja Kabaka – Midwest USA**



## Omulembe Omutebi

**Gwataandikawo enkola okukumakuma abantu ba Ssaabasajja abawaangalira ebweru. Kabaka Muwenda Mutebi II, y'aloonda Abaami okutambuza Obuganda mu mawanga ageetoolodde ensi. Mu America ne Canada mulimu amasaza 11.**



# Ekitiibwa kya Buganda

## Chorus

*Twesiimye nnyo, twesiimye nnyo*
*Olwa Buganda yaffe*
*Ekitiibwa kya Buganda kyava dda*
*Naffe tukikuumenga*

*Verse 1*

**O**kuva edda n'edda eryo lyonna
Eryo eggwanga Buganda
Nti lyamanyibwa nnyo eggwanga lyaffe
Okwetoloola ensi yonna

*Verse 2*

**A**bazira ennyo abatusooka
Baalwana nnyo mu ntalo
Ne balyagala nnyo eggwanga lyaffe
Naffe tulyagalenga

*Verse 3*

**F**fe abaana ba leero ka tulwane
Okukuza Buganda
Nga tujjukira nnyo bajjajja baffe
Baafirira ensi yaffe

*Verse 4*

**N**ze naayimba ntya ne sitenda
Ssaabasajja Kabaka
Asaanira afuge Obuganda bwonna
Naffe nga tumwesiga

*Verse 5*

**K**atonda omulungi ow'ekisa
Otubeere Mukama
Otubunduggulek o emikisa gyo era
Bbaffe omukuumenga



# Canada Anthem

O Canada! Our home and native land! True patriot love in all thy sons command. With glowing hearts we see thee rise,
The True North strong and free!
From far and wide, O Canada,
We stand on guard for thee.
God keep our land, glorious and free!

O Canada, we stand on guard for thee;
O Canada, we stand on guard for thee.
O Canada! Where pines and maples grow, Great prairies spread and Lordly rivers flow! How dear to us thy broad domain,
From East to Western sea!
The land of hope for all who toil,
The true North strong and free!
God keep our land, glorious and free. O Canada, we stand on guard for thee! O Canada, we stand on guard for thee!

O Canada! Beneath thy shining skies,
May Stalwart sons, and gentle maidens rise. To keep thee steadfast thro' the years,
From East to Western sea.
Our own beloved native land,
Our true North strong and free!
God keep our land, glorious and free.
O Canada, we stand on guard for thee!
O Canada, we stand on guard for thee!

Ruler supreme, who hearest humble prayer, Hold our Dominion, in thy loving care. Help us to find, O God, in thee, A lasting rich reward.
As waiting for the better day,
We ever stand on guard.
God keep our land, glorious and free.
O Canada, we stand on guard for thee!
O Canada, we stand on guard for thee!



# Star Spangled Banner

Oh, say can you see by the dawn's early light
What so proudly we hailed at the twilight's last gleaming? Whose broad stripes and bright stars thru the perilous fight, O'er the ramparts we watched were so gallantly streaming? And the rockets' red glare, the bombs bursting in air,
Gave proof through the night that our flag was still there.
Oh, say does that starspangled banner yet wave
O'er the land of the free and the home of the brave?

On the shore, dimly seen through the mists of the deep,
Where the foe's haughty host in dread silence reposes,
What is that which the breeze, o'er the towering steep,
As it fitfully blows, half conceals, half discloses?
Now it catches the gleam of the morning's first beam, In full glory reflected now shines in the stream:
'Tis the starspangled banner! Oh long may it wave O'er the land of the free and the home of the brave.

And where is that band who so vauntingly swore
That the havoc of war and the battle's confusion,
A home and a country should leave us no more!
Their blood has washed out their foul footsteps' pollution. No refuge could save the hireling and slave'
From the terror of flight and the gloom of the grave: And the starspangled banner in triumph doth wave O'er the land of the free and the home of the brave.

Oh! thus be it ever, when freemen shall stand
Between their loved home and the war's desolation!
Blest with victory and peace, may the heav'n rescued land Praise the Power that hath made and preserved us a nation. Then conquer we must, when our cause it is just,
And this be our motto: "In God is our trust."
And the starspangled banner in triumph shall wave
O'er the land of the free and the home of the brave.




# UNAIDS Re-Appoints Kabaka as Its Goodwill Ambassador for East and Southern Africa

Mic Media Reporter · October 2, 2020 · 1 min read

"UNAIDS appointed the Kabaka in 2017 as the goodwill ambassador for the fight against HIV/AIDS and I'm glad to announce that it has reappointed him up to 2023, the responsibility the Kabaka has accepted to shoulder," Mayiga said.





The very popular Kabaka's Birthday Run, which Ssaabasajja Kabaka flags off every year, attracts tens of participants--young and old. They come from every region of the country in support of his initiative to support Sickle Cell Anemia. The event has raised awareness and support throughout the country and remained extremely popular. Like most programs, Covid-19 has been the show-stopper.

- Sickle Cell Anaemia
- HIV / AIDS
- Fistula
- Immunizations

## Kabaka warns subjects on malaria, poor hygiene

The Kabaka of Buganda, Ronald Muwenda Mutebi, has advised his subjects to prevent malaria by sleeping under mosquito nets and clearing bushes around their homes

**MONDAY DECEMBER 1 2014**




Kabaka Mutebi waves to subjects upon his arrival to preside over health activities in Masaka District at the weekend. PHOTO BY Martins E Ssekweyama

# THE CASE FOR FEDERALISM IN THE 21ST CENTURY: A STRATEGIC REVIEW OF AND NEW MANIFESTO TO GUIDE THE STRUGGLE FOR FEDERALISM IN UGANDA[1]

**PREPARED BY:**
**DAVID F.K. MPANGA**
**MINISTER IN CHARGE OF SPECIAL ASSIGNMENTS**
**(MINISTA W'EMIRIMU EGY'OBWAKABAKA EGY'ENKIZO)**

---

[1] This is an approximate translation and slight expansion of a paper delivered to the Great Lukiiko on the 15th March 2021. The original paper and the delivery itself were in Luganda.

**March 2021**

# THE CASE FOR FEDERALISM IN THE 21ST CENTURY: A STRATEGIC REVIEW OF AND NEW MANIFESTO TO GUIDE THE STRUGGLE FOR FEDERALISM IN UGANDA

## 1.0 INTRODUCTION

1.1 This paper is prepared pursuant to the Second Tenet of the Kingdom's Five Core Tenets (*Ensonga Ssemasonga Ettaano*) and the Buganda Kingdom's Strategic Plan (*Enteekateeka Nnamutaayiika)* 2018 -2023. The Second Tenet speaks to Buganda's aspiration to a fair, equitable, transparent and sustainable division of power using a federal system of government.

1.2 This paper examines a brief history of federalism in Uganda and its failure. It examines the struggle restoration of federalism; its achievements and limitations. It is our central argument that whereas federalism can be restored to Uganda, there is an urgent need for a change of strategy on the part of the proponents of federalism. Advocates for federalism have concentrated on calling upon the Central Government to commence (or re-engage in) negotiations for the "restoration" of a federal government. Preparation for federalism on the part of the Buganda Kingdom has largely taken the form of debating, drafting and refining negotiation positions. This has lent itself to the mis-conceptualisation of the problem and also engendered a misrepresentation of the Kingdom's aspiration as a reactionary yearning for past glory or a return of feudalism. **We have come to perceive the quest for federalism largely as a legal/legislative pursuit rather than as the complex political effort that it truly is.** It is our contention that the fast changing political, demographic and economic factors are rendering the present strategy impractical and ineffective.

1.3 This paper advocates for the creation of a new alliance and new messaging. We advocate for the engagement in the creation of a new grassroots efforts across the country to win over a new generation to the idea of federalism as a guarantee for lasting peace, happiness, prosperity and stability in Uganda and elsewhere in Africa. We also advocate for the use of local, regional and international levers to achieve the long-standing goal of a federated Uganda. **Our aim should be to drive a new commitment to the federalism ideal and to put it at the heart of a new political consensus for Uganda. We need to develop and fine tune the message in language that speaks to the diverse (in terms of ethnicity, gender, socio-economic class etc.) generations of today and tomorrow. The case for federalism must be couched in terms of internationally recognised democratic rights. It must be progressive and inclusive. Federalism should come to be understood by the majority of the population as an essential guarantee of freedom, happiness and prosperity. Above all, the quest for federalism should be made practical; it should descend from the realm of ideas into simple practical steps that need to be taken.**

1.4 For the purposes of this paper we have adopted a simple definition of federalism. Federalism is a system of government, based on a written constitution, in which the same territory is controlled by two levels of government. Power is divided between a federal government and

For full article, go to: https://www.bbnac.org/static/pdf/the.case.for.federalism.pdf



## OBUBAKA OKUVA EW'OMUBAKA WA SSAABASAJJA

### MU SSAZA LYA SOUTHERN CALIFORNIA, HAWAII NE ARIZONA

Abantu ba Ssaabasajja mwenna tubalamusizza okuva mu ssaza lya Beene erya Southern California, Hawaii, ne Arizona. Tuyozaayoza Ssaabasajja Kabaka olw'okutuuka ku mazaalibwa ge ag'emyaka 66. Tusaba Ddunda amwongere obuwangaazi ng'alamula Obuganda, era amusobozese okuyita mu mbeera zonna ezisoomooza obulamu. Tusiima nnyo Kamalabyonna, Oweekitiibwa Charles Peter Mayiga, ne kabineeti ye olw'ebyo byonna bye batukolera mu bwakabaka.

Abantu ba Kabaka mu Southern California, Hawaii ne Arizona basiima nnyo emirimu gya Buganda Bumu North American Convention (BBNAC) gy'ekola, naddala okukunga e bibiina byaffe mu United States of American ne Canada, era twebaza Oweekitiibwa Dick Luzzi Kakande, ow'essaza eritwala Mid-West Indiana, Illinois, Michigan, ne Wisconsin, wamu n'olukiiko oluteesiteesi lwonna, olw'enteekateeka y'omukolo ogw'omwaka guno (2021). Twebaza nnyo n'ababaka bonna awamu n'abamyuka baabwe olw'obuweereza obulungi eri obwakabaka ne Buganda. Tubaagaliza olukuŋŋaana olulungi!

**Omubaka, Joseph Ssemakula**

## Obubaka Okuva eri Omubaka we Ssaza lya Northern California



BBNAC yiino ekomyewo n'amanyi oluvannyuma lw'ekirwadde ekyabuutikira ensi yonna, era ekyagireetera okwongezebwayo. Njagala okubeebaza okubeera n'obuvumu awamu n'obumalirivu okuweereza abantu ba Ssaabasajja ne mugitegeka mu nkola eya tekinologiya. Mu
butuufu n'omulamwa gwe gwo ogutuukiridde mu biseera bino. Bannange mwenna mbasaba ffenna entegeka y'omwaka guno eya BBNAC tugiyigireko era twenyigire mu mikolo gyonna, anti ne Ssaabasajja asiimye okuggulawo olukiiko luno.

Tubaagaliza olukiiko olulungi.

Awangaale Ssaabasajja.

**Patrick Nalikka Ssendegeya**

**Omubaka, Northern California, San Francisco**

# Obubaka Obuva mu Ssaza ly'e Canada





**Oweekitiibwa,
Estella Namakula
Muyinda**

Mbalamusizza mwenna mu biti byammwe. Mwebale gyonna gye mutuusaako engalo. Mbeebaza okujja ku mukolo guno, era ne mbasaba mwongere okujjumbira byonna ebikolebwa Buganda Bumu North American Convetion (BBNAC) awamu n'ebibiina by'Abaganda (BBNAC *member associations*) mwe muli.

Ssaabasajja Kabaka, Ronald Muwenda Mutebi II atukuunga okubeera obumu. Ekibiina kino BBNAC y'entandiikwa y'okutugatta ffe ng'Abaganda mu Canada ne United States of America. Nsaba ffenna tweyongere okuba abasaale mu mirimu gye tukola nga tuluubirira okuzza Buganda ku Ntikko. Olwo, tunaaba tukoze Ssaabasajja Kabaka ky'assaako essira tukole. Nsaba ffenna twongere okusabira Ssaabasajja Kabaka mukama amubundugguleko emikisa, amuwe obuwangaazi n'essanyu, awamu n'okumuwa ebirungi. Nsaba ffenna tujjukire ne Nnaabagereka, Sylvia Nagginda mu ssaala zaffe nga tumusabira omukisa gwa Katonda mu byonna by'akolera Obuganda.

Wano e Canada Ssaabasajja Kabaka bwe yasiima, twatandika emisinde gya Beene, era gibeerawo mu mwezi gwa Muzigo buli mwaka. Tubayita, era tujja kwaniriza buli an'atwegattaangako kw'olwo.

Bannange, nsuubira nti bwe tunaakolera awamu, nga tweyagaliza era nga twagaliza, nga bwetukuuma obuwangwa bwaffe n'ennono, tujja kusobola okuzza Buganda ku Ntikko.

Mbaagaliza olukuŋŋaana olulungi

Ssaabasajja Kabaka Awangaale.

**Nze Estella Namakula Muyinda,
Omubaka wa Ssaabasajja Kabaka e Canada.**



# Obubaka Okuva mu Ssaza lya Pacific Northwest USA (Washington State, Idaho ne Oregon)





Oweekitiibwa, Eng. Moses L. Ggayi Mayanja

Abantu ba Beene mwenna tubalamusizza nnyo, era tubayozaayoza okutuuka ku lunaku luno okusobola okwetaba mu lukungaana lwaffe luno olw'omulundi ogwokuna, olwa Buganda Bumu North American Convention (BBNAC).

Twebaza abateesiteesi b'omulundi guno; bannaffe aba Ggwanga Mujje Midwest wamu n'Olukiiko olukulembeze olwa

BBNAC, olw'omulimu ettendo guno gwe bakoze mu kusoomozebwa kwetulimu okwa ssenyiga korona. Mwebale nnyo okutuwa omulamwa ogutuukana n'obudde bwe tulimu.



Omumyuka Omuzaana, Grace S. Kiboneka

Tusaba Omukama Katonda aluŋŋamye n'abateesa bonna, era naffe atuluŋŋamye bulungi tufune eky'okuyiga mu lukungaana lwaffe luno, naddala mu kadde kano nga tulwana olutalo lwe tulimu olw'okuzza nnyaffe Buganda ku ntikko. Abatwegasseeko okuva e Buganda, n'ebitundu ebirala, tubasanyukidde nnyo nnyini ddala. Tubaagaliza olukuŋŋaana olulungi, era tusaba Mukama Katonda abakuume ne Ssaabasajja Kabaka waffe amwongere obulamu n'obuwangaazi.

Awangaale Ssaabasajja Kabaka!

**Omubaka, Eng. Moses L Ggayi Mayanja**

**Omumyuka, Omuzaana Grace S. Kiboneka- Omumyuka**

Saturday July 21, 2018

The Kabaka's Representative, Moses Mayanja expressed appreciation to his deputy, Mrs. Grace Kiboneka, for organizing a very successful silver jubilee event.



*Akutwala ekiro...*

*... omusiima bukedde.*

# OBUBAKA OBUVUDDE MU AGALI AWAMU SOUTHEAST USA



Mbalamusizza nnyo abantu ba Ssaabasajja. Mbeebaza emirimu gye mukola okutumbula Obuganda. Nneebaza Katonda okubawa obulamu okutuusa olwaleero. Tuyise mu mayengo mangi, okusingira ddala ssennyiga omukambwe (COVID-19), awamu n'okulonda abakulembeze wano mu USA ne mu Uganda. Nnyongera okusaba Mukama abongere amaanyi, obusobozi, obuvumu n'obugumiikiriza, tweyongere okwaŋŋanga ebyo ebitwolekedde.
Nneebaza Katonda olw'obulamu bwa Ssaabasajja Ronald Muwenda Mutebi II, Kabaka waffe. Nsaba Mukama amwongere obulamu, ayongere okulamula Obuganda.

Omulamwa ogwa Tekinologiya mulungi nnyo, era nga guzze mu kiseera kyennyini ekituufu. Tetukyasobola kwewala Tekinologiya mu mbeera zaffe eza bulijjo- okugeza, eby'enjigiriza, eby'obulamu, eby'obulimi, eby'amakolero, eby'enfuna, n'ebirala ntoko. Abavubuka tusaana twongere okubabangula mu Tekinologiya, okusobola okutwala Buganda ku Ntikko, nga tusobola okuvuganya n'enkola ey'ensi yonna.

Nsuubira nti mwenna abaneetaba mu lukiiko luno (BBNAC2021), munaafunamu buli omu ky'asuubira okufuna. Mbaagaliza okukiika obulungi.

Awangaale Ssaabasajja Kabaka Magulunnyondo

**Dr. Sarah Nambi Matovu, Chairperson Agali Awamu Atlanta.**

JOINT MEDICAL MISSION
BBNAC Buganda Bumu North American Convention
UNAMS Ugandan North American Medical Society





# MESSAGE FROM SSAABASAJJA KABAKA'S REPRESENTATIVES IN COLORADO, UTAH, MONTANA, SOUTH AND NORTH DAKOTA

Oweekitiibwa Esther Nassuna Kiragga-Lyles

Greetings from the Rocky Mountains of Colorado, Utah, Montana, and North and South Dakota. On behalf of Ssaabasajja Kabaka, Ronald Muwenda Mutebi II subjects, the Deputy Representative, Omukungu, D. C. Kiyemba and I wish to congratulate Gwanga Mujje-Chicago, for all the arrangements of BBNAC 2021 despite COVID-19 challenges. I thank God Almighty for sustaining us to this day. Our hearts go out to all the people who have lost loved ones and those that have been afflicted in one way or another. A shout-out to our fellow Representatives (Babaka) for keeping the fire burning in their respective areas. We are truly honored to participate, collaborate, share, and discuss issues that affect Buganda communities in the diaspora and Uganda.

The BBNAC 2021 theme, "Information Technology Challenge" is very applicable in our everyday lives and a key framework for a prosperous Buganda, especially the young generation. It gives us a competitive edge in the business world as well. Some of the main objectives would be for Buganda to produce graduates who are capable of developing software, analyze computer systems, execute programming, web design developers, data base administrators, study the human computer interaction (user experience), artificial intelligence, networking and cyber security tools, among other skills.



We are grateful for the governance of Ssaabasajja Kabaka. His championship of the Sickle Cell Anemia campaign and ambassadorship of the Aids Project, are applauded. May the Lord preserve Ssaabasajja Kabaka and bless him with good health. We are also thankful for Katikkiro, Charles Peter Mayiga's leadership. Last but not least, Minister of State for Local Government, Royal Visits and Buganda Affairs Abroad, Oweekitiibwa Joseph Kawuki for his guidance in everything we do for Buganda.

We have continued to engage the young people; teaching them our language (Luganda) and culture, which are the two of the main pillars, because language defines who we are as Baganda. The leaders of our local Baganda association, Colorado Buganda Heritage, Mr. Moses Ddamulira and his assistant Mr. Twaha Ntege, who also serves as our attaché to BBNAC, have been an integral part in this endeavor. We are very grateful to them.

Currently, in partnership with the Wells of Life, a nonprofit organization, we are working on a campaign to provide clean water to Kabaka's subjects in Uganda. We are hoping for a successful project this year.

This convention is loaded with knowledgeable people and resources. Therefore, we encourage the young people to learn, utilize, and take advantage of the tools provided.

Ssaabasajja Kabaka Awangaale

**Oweekitiibwa**
**Esther Nassuna Kiragga-Lyles**

**Omukungu D. C Kiyemba**



**Ekika:** Nkejje

**Akabbiro**: Nkejje eyitibwa Kiyemba

**Omubala**: Kiiso kya Mbuzi

(Kirekerera omussi ne kitunuulira omubaazi)

BBNAC
Buganda Bumu North American Convention

THE 4TH BIENNIAL BUGANDA BUMU NORTH AMERICAN CONVENTION
FRIDAY MAY 28TH – SUNDAY MAY 30TH 2021

Ggwangamujje Midwest

# PROGRAM

**OMUBALA:**

"BUGANDA N'OMULEMBE GWA TEKINOLOGIYA."

*(BUGANDA AND THE AGE OF TECHNOLOGY)*

**THEME:**

"OKUSOOMOOZEBWA MU NKOZESA Y'EBYUMA BI KALIMAGEZI

*(THE IT CHALLENGE)*

## FRIDAY MAY 28TH 2021

**8:30am – 9:00am (CST)**
*(4:30pm – 5:00pm Ug)*

**CONVENTION COMMAND CENTER**
*Final Equipment Testing*

**9:00am – 9:30am (CST)**
*(5:00pm – 5:30pm Ug)*

**WELCOME REMARKS**

- **Omulongo A. Wasswa Damulira**
  Chairman, BBNAC'21
- **Omulongo E. Wasswa Kivumbi**
  BBNAC President
- **Mr. Joseph N. Sserunkuuma**
  Chairman, Ggwanga Mujje Midwest
- **Oweek., D. Luzzi-Kakande,**
  Ssaabasajja Kabaka's Representative Midwest USA

**9:30am – 10:00am (CST)**
*(5:30pm – 6:00pm Ug)*

Delegates Ceremonial Roll Call




Cultural Identity starts at an early age.

**10:00am – 10:15am (CST)**
*(6:00pm – 6:15pm Ug)*

Recognition of Dignitaries

**10:15am – 12:20pm (CST)**
*(8:15pm – 10:20pm Ug)*

**CURTAIN RAISER**

- Technology in Ordinary Life (*Tekinologiya n'Omuntu wa Bulijjo*)
  **Abu Senkayi, Ph.D.**
  **Omulangira F. Kalema-Musoke**
  **Omumbejja, C. N. Kimbugwe**
  **Mr. Mathias Mugema**
- Young Adults' IT Discussion (*Opportunities, Challenges*)
  **Mr. Davis Kizito Kibyami**
  **Mr. Joshua Kafeero**
  **Mr. Mike Mukasa**
  **Omumbejja, C. N. Kimbugwe**
  **Mr. Mathias Mugema**
- **Oweek., Rashid Lukwago**

**12:00pm – 12:20pm (CST)**
*(8:00pm – 8:20pm Ug)*

**FRIDAY ISLAMIC PRAYERS**
**Sheikh Abubaker Ssenyange**

**12:20pm – 2:00pm (CST)**
*(8:200pm – 10:00pm Ug)*

**ENTERTAINMENT**

**2:00pm**
*(10:00pm Ug)*

**CLOSE**

Namulondo Investments Limited

## SATURDAY MAY 29TH, 2021

**7:00am – 8:30am (CST)**
*(3:00pm – 4:30pm Ug)*

**CONVENTION COMMAND CENTER**
*Final Equipment Testing*

**8:30am – 8:50am (CST)**
*(4:30pm – 4:50pm Ug)*

Delegates Assemble
EQUITY BANK

**9:00am – 9:10am (CST)**
*(5:00pm – 5:10pm Ug)*

**ANTHEMS**

- Ekitiibwa kya Buganda (#1,#4)
- Uganda National Anthem
- Canada National Anthem
- USA National Anthem

**OPENING PRAYER**





**9:10am – 9:30am (CST)**
***(5:10pm – 5:30pm Ug)***

- **Mr. Joseph N. Sserunkuuma** Chairman, Ggwanga Mujje Midwest
- **Omulongo A. Wasswa Damulira,** BBNAC'21 Chairman
- **Omulongo E. Wasswa Kivumbi,** BBNAC President
- **Oweek., D. Luzzi-Kakande,** Ssaabasajja Kabaka's Representative, Midwest
- **Oweek., Joseph S. Kawuki,** Minister of State for Buganda Affairs Abroad, addresses delegates, and introduces
- **Oweek., Katikkiro of Buganda, Charles Peter Mayiga.**



SSAABASAJJA KABAKA AGGULAWO OLUKUŊŊAANA

**'Ekitiibwa kya Buganda'**
**Verse:** 'Katonda Omulungi Ow'Ekisa'

**9:35am – 9:50am (CST)**
***(5:35pm – 5:50pm Ug)***

BREAK
Sponsors' Messages
Entertainment

**10:00am – 12:55pm (CST)**
***(6:00pm – 8:55pm Ug)***

Presentations
&
Discussion
*(continued)*

**10:00am – 10:30am (CST)**
***(6:00pm – 6:30pm Ug)***

**Presentation:**
The Information Technology Challenge in Buganda
*(Okusoomoozebwa mu Nkozesa y'Ebyuma bi Kalimagezi mu Buganda)*
By
**Mr. Moses Lukwago**
**Mr. John Mutyaba**
**Ssaalongo Robert Kiggundu**

**10:30am – 11:00am (CST)**
***(6:30pm – 7:00pm Ug)***

Questions
Answers
and
Discussion

**11:00am – 11:10am (CST)**
***(7:00pm – 7:10pm Ug)***

BREAK
Sponsors' Messages
Entertainment

**11:10am – 11:40am (CST)**
***(7:10pm – 7:40pm Ug)***

Mengo IT Team
Presentation

"Okweyambisa Tekinologiya ng'Enkola/Omukutu (Vessel/Tool) mu Kuzza Buganda ku Ntikko"
by
**Oweek., Prof. Twaha Kigongo Kaawaase, Ph.D.**

**11:40am – 12:40pm (CST)**
***(7:40pm – 8:40pm Ug)***

Questions
Answers
and
Discussion
Lead Discussant:

**Mr. Edgar Kaseenene**

**12:40pm – 1:00pm (CST)**
***(7:40pm – 8:00pm Ug)***

LUNCH OR DINNER
Questions
Answers

**1:00pm – 1:30pm (CST)**
***(9:00pm – 9:30pm Ug)***

'Okuzza Buganda ku Ntikko nga Tukozesa Tekinologiya.'

**Mr. Davis Kizito Kibyami**
**Mr. Joshua Kafeero**
**Mr. Mike Mukasa**
**Omumbejja C. N. Kimbugwe**

**1:30pm – 1:55pm (CST)**
***(9:30pm – 9:55pm Ug)***

Questions,
Answers
and
Discussion

**1:55pm – 2:00pm (CST)**
***(9:55pm – 10:00pm Ug)***

BREAK
Sponsors' Messages
Entertainment

Ssaabasajja Kabaka's Health Day
Nakaseke



BBNAC Medical Mission



Nakaseke Hospital Operation Theatre - One of the many patients who got a life time opportunity of getting a surgical operation performed by one of the best Surgeon in the world specialized in Surgical Critical Care. Other surgeries were also performed by one of the best Neurosurgeon in the world, all members of the Medical Mission team.

**2:00pm – 2:30pm (CST)**
***(9:00pm – 9:30pm Ug)***

Presentation:
Information Technology and Mental Health
by

**Sebastián Ssempijja, Ph.D.**
**Anita Mwalui, Ph.D.**

**2:30pm – 2:45pm (CST)**
***(9:30pm – 9:45pm Ug)***

Questions
Answers
and
Discussion

**2:45pm – 3:00pm (CST)**
***(9:45pm – 10:00pm Ug)***

**BREAK**

Sponsors' Messages
Entertainment

**3:00pm – 4:30pm (CST)**
***(10:00pm – 11:30pm Ug)***

**Ssenga and Jjajja Session**
(18 years and above)

**4:30pm – 6:00pm (CST)**
***(11:30pm – 1:00am Ug)***

**ENTERTAINMENT**

UNAIDS Global Ambassador

*The UNAIDS Regional Director hands over a plaque to His Majesty as the Male Champion of the male engagement campaign- 4.3.17*



## SUNDAY MAY 30TH, 2021

**9:00am – 9:30am (CST)**
***(5:00pm – 5:30pm Ug)***

CHURCH SERVICE
by
**Fr. Patrick Kizza**
**Pastor Andrew Kitaka**

**9:30am – 10:00am (CST)**
***(5:30pm –6:00pm Ug)***

**Children's Program:**
Olulimi Oluganda
Engero,
Okulamusa,
n'Okulanya / Okulamya

**10:00am – 10:05am (CST)**
***(6:00pm – 6:05pm Ug)***

**BREAK**

Sponsors' Messages
Entertainment

**10:05am – 1:05pm (CST)**
***(6:05pm – 3:05am Ug)***

PRESENTATIONS
&
PANEL DISCUSSIONS

**10:05am – 10:30am (CST)**
***(6:05pm – 6:30pm Ug)***

Presentation
by
**Omutaka Nnamwama Augustine Kizito Mutumba**
(Omukubiriza w'Olukiiko lw'Abataka Ab'Obusolya)

**"Engeri Abataka gye Bayinza Okweyambisa Tekinologiya mu Kutuukirira Abazzukkulu n'Okukulaakulanya Ebika mu Buganda."**

**10:30am – 10:50am (CST)**
***(6:30pm – 6:50pm Ug)***

Questions
Answers
and
Discussion

**10:50am – 11:00am (CST)**
***(6:50pm – 7:00pm Ug)***

**BREAK**

Sponsors' Messages
Entertainment



11:00am – 11:30am (CST)
*(7:00pm – 7:30pm Ug)*

**Presentation:**
Information Technology and General Health
**Sarah Matovu, M.D.**
**Mr. Kevin Matovu**

11:30am – 11:50am (CST)
*(7:30pm – 7:50pm Ug)*


Questions
Answers
and
Discussion

11:50pm – 12:20pm (CST)
*(7:50pm – 8:20pm Ug)*

**LUNCH & DINNER BREAK**
Sponsors' Messages



Commerce



Education




Tourism

## CLOSING CEREMONIES

12:20pm – 12:30pm (CST)
*(8:20pm – 8:30pm Ug)*

BBNAC'21 Resolutions
Announces of the host of BBNAC'23

12:30pm – 12:35pm (CST)
*(8:30pm – 8:35pm Ug)*

